Kiboga.

## ABAGAMBIBWA OKUTTA SSENTEBE BAKWATIDDWA

ABANTU 5 abagambibwa okwekobaana ne batta Ssentebe wa LC1, bakwatiddwa. Ettemu, lyabadde ku kyalo Bubirabi Lower mu muluka gw'e Bubentsye mu Ggombolola y'e Wanale mu disitilikiti y'e Mbale, bwe basse Moses Nabende 47 era nga y'abadde ssentebe wa LC1 ku kyalo ekyo. Kigambibwa nti abaamusse, baasoose kukasuka macupa nga ssentebe ali ne baganda be 7 n'abawaka mu kifo ky'ebbaala ku kizimbe ky'abadde azimba. Bwe yafulumye okwetegereza abaabadde babakolako effujjo, kwe kusanga ekibinja ky'abantu abaabadde bakutte emiggo, ebiso, amayinja ne batandika okumukuba. Omwogezi wa poliisi e Mbale, Rogers Taitika, yagambye nti baagezezzaako okumutwala mu Mbale General Clinic, gye yafiiridde. Baakutte Rogers Mafabi 40, Fred Nabende 34, Jackson Wamboga 38 , Sam Shisa 43 ne Christopher Mafabi.